Tusinza mwana gw'endiga

(VISION. 8.7.8.7.D.)



2. Mu kifuba kya kitaawo
Omwo mwe wabeerera
Nga wewali essanyu lyo
Maanyi era n'ekisa ;
Lab'okwagala okungi
Bwe wawaay'ekitiibwa
Ku lwaffe n'ova mu ggulu
Bwe wafa nga endiga.

3. Tulab'omwana gw'endiga
Nga oli mu kabanvu,
Nga ataliiko gye wava
Mu nsi ggwe gye watonda ;
Tukulaba mu lusuku
N'entuuyo z'omusaayi,
Ffe twewuunya ekisa kyo
Omwana wa Katonda.

4. Bwetukutunuulira ggwe
Ng'obambiddwa ku muti,
Bwewakubibwa ku lwaffe
Ne wetikk'omusango.
Mukama osinzibwenga,
Twanaazibwa musaayi
Kitiibwa kyo tekiggwaawo,
Omwana gw' endiga.

Alternate Tunes : Northampton, 423 ; Converse, 306 ; Grebe, 21.